

AMAWULIRE AGAVA KUNGUUDO

Nga 12 ogwo'kuna lubeera lunaku lwa baana ababeera kunguudo munsu yona. Olunaku luno luwa omwaganya obukadde no'bukadde bwa'baana ababeera kungudo okwetolola ensi yona okwogela ku ddembe lyabwe, naki ekyetagisa okukolebwa okulaba nga balifuna.

12th April 2018

Jinja District Local Government nga eli wamu ne'ebitongole ebyanakyeeva na'baana ababeera kunguudo begasse kunsu yona okujaguza olunaku luno olwa'baana ababeera kunguudo omwaka guno 2018.

Munsonga eno, twogela na'baana abo'kunguudo zo'mu Jinja abalina ebitone mukuwandiiika, okuyimba no'kutontontoma okusobola okuwuliliraddala okuva jebali kungeriki jebayinza okufunamu eddembe lyabwe elyo'buntu nabiki ebibalemesa.

Tutunulira eddembe elyo'kusoma, engeri abantu abo'mukitundu jebeyinza okuyambamu, na ngeriki abaana benyini jebayinza okuteeka munkola eddembe lyabwe.

"Abantu bo'mukitundu balina okulera awo okusosola abaana ababeera kunguudo. Osanga abantu bo'mukitundu nga bayita abaana ababeera kunguudo ababbi, abatemu, abalyemwa. Batulaba nga abalimba era kino kiletela abaana ababeera okunguudo okwekyaawa."

Richard, 18




Tufuna tutya eddembe lyaffe?

Omulamwa gwo'mulundi guno 2018 guli nti Kyusa ebigambo bidde mubikolwa. Tukubila Gavumenti omulanga etegeere era etukirize ebisubizo byeyakola mu 2017 nga eyogera kumbeera ya'baana ababeera kunguudo.

Munsonga eno, tunonyeleza ku ki kyekitegeza ku baana abasula no'kukolera kunguudo zo'mu Jinja Uganda. Eddembe lyabwe elyo'buntu litegeazaki eribo? Ye bategera batya eddembe lyabwe?

DDEMBE KI GWE LYO'MANYI?

Obadde okimanyi nti abaana balina eddembe elikumibwa okwetolola ensi yona? Kino kitegeza nti buli muntu yena mukitundu atekwa oku tutumula no'ku-uma eddembe lya'baana. Wano, wetwabilizza abaana ku ddembe ki lyebalina, era ddembe ki elisinga okubaberera elyo'mugaso.



“Eddembe lyo' ebyo'bulamu”, Kafuko, 13

“Eddembe elyo'kukumibwa obutatulugunyizibwa no'kutusibwako obulabe”

“Eddembe lyo'kuyisibwa obulungi ku police”

“Eddembe lyo'kuwebwa ekitiibwa”

“Eddembe lyo'kumanya”

Eddembe lyo'kufuna amazzi amayonjo”

Eddembe lyo'bulamu”

Eddembe lyo'beera na'bantu bange”


Nnina eddembe lyo'kuzanya. Abazadde bange banzikiliza okuzanya bwemba mmazze okukola emilimo gya'waka.

Nandyagadde buli muzadde abeele nga abazadde bange abanzikiliza okuzannya.

Bwenagenda ku somero elyo nalyo ddembe lya'baana.

Mpulila esanyu kubanga abazadde bange bateka munkola eddembe lyange. Ndabyeko abazadde abamu mu Uganda tebawa baana babwe ddembe lyabwe.

Kantono, 13



EDDEMBE LYANGE ELYO'KUSOMA

'Gavumenti zilina okufuba okulaba nga abaana bebeera kunguudo bafuna ebyetago ebisokerwako nga ebyo'bulamu, ne'byenjigiliza.'

UN General Comment 21 ku mbeera za'baana ababeera kunguudo.

Nnina eddembe okugamba abazadde bange okunsasulira ebisale bye'somero. Nnina eddembe elyo'butawebwa bibonerezo bikakali ku somero. Nnina eddembe elyo'kugenda ku somero.

David, 12

Nnina eddembe elyo'kugenda ku somero. Nnina eddembe elyo'kusoma ennyo na'manyi. Nnina eddembe elyo'kuyita ebigezo. Nnina eddembe elyo'kukiliza okubulilirwa okuva eri abazadde bange oba abantu abali mukunkuza.

John, 13



Abazadde balina okukuuma eddembe lyaffe. Balikuuma nga batwaala abaana ku somero, bakuuma omwana bwabeera nga agenda ku somero. Okusoma kulina kuba kwamirembe eri abaana bonna.

Juma, 16

Nsobola okyuusa eddembe elyo'kusoma mu bikolwa nga nkola bino wammanga;
* Okugenda kusomero.
* Okusoma enyo na'manyi.
* Okuyita ebigezo.
* Okukiliza okubulilirwa okuva eri ababudabudi.

Ibra, 15

"Eddembe elyo'kwebaka"

"Eddembe elyo'kwogera"

"Eddembe elyo'kukola"

"Eddembe elyo'kuzanya"

"Eddembe elyo'kusinza"

"Eddembe elyo'kufa obujanjabi"

"Eddembe elyo'kubeera omusan-yufu"

Oboth

"Abaana ababeera kunguudo balina eddembe elyo'kufuna obujanjabi kubanga lino ddembe lyabuli muntu"

Moses

"Nzikiriza nti nnina eddembe elyo'kubeera omulamu"

OKWOLEKA EDDEMBE LYAFFE NGA TUYITA MUBIFANANYI

“Njagala okusamba omupiila, lino lye’d dembe lyange elyo’kuzanya” Jonan, 12

“Singa nnina eddembe elyo’kubera na’ bantu bange okusingira ddala bajajja bange. Bbo bampa omukisa ogwo’kwetaba mu kusalawo era nsobola no’kubako ne kyengaamba ku bintu ebimu.”


John, 14



Eddembe elyo’kusoma,
John, 13



Eddembe elyo’kusaba,
Joseph, 12



'EDDEMBE NGA LILI MUBIKOLWA' LIKUBIDDWA EBILOWOOZO ABAANA ABABEERA KUNGUUDO ZO'MU JINJA.

'Obusosoze ye'mu kunsonga ezo'kuntiiko eziletera abaana okomenkeleza nga bali kunguudo. Ate era abaana bongera okusosolebwa olwo'kubeeera kunguudo, okuviiladdala gyebava, ebyo'bugagga, obuzalilanwa oba ebintu ebilala, kivilamu omwana okulemalirayo mububi obulamubwe bwona.'

UN General Comment 21 ku mbeera z'abaana ababeera kunguudo.



"Bwembeera nga ndwadde, abazadde bange balina okuntwaala muddwalilo okufana obujanjabi.

Nnina eddembe elyo'kufuna emmere ennungi nga ndi ewaka, no'kubeeera nga ndisibwa ekiseera kyona.

Nnina eddembe elyo'kukozesa omufaliso na'masuuka nga ndi ewaka."

Ibra, 15

Eddembe elyo'kuzanya: Kyuusa eddembe lya'baana lidde mu bikolwa

Eddembe lyanze elyo'kuzanya. Abazadde balina okuwa abaana obudde obwo'kuzanya. Abaana balina okwetaba mumizanyo gyona okugeza nga okusamba omupiila, okubaka okujako emizanyo emibi nga okulwaana, singa baba aweleddwa obudde obwo'kuzanya.

Abazadde balina okuwagira abaana babwe bwebaba bazanya, babawe obudde obubamala okuzanya ne'byokuzanyisa so si kubakozesa 24/7, okuva kukufumba, okweeya, okuva kukweeya wuyo kukusimuula, okuva kukusimuula wuyo kukwoza ngoye.

Amagezi gempa abazadde bona, bawagira no'kuwa abaana obudde obwo'kuzanya.

Eric, 16



'Obwetaavu obwo'kukuuma abantu abatesobola – nadala abaana babeera kunguudo – kyetagiraddala ddala okutaputa eddembe elyo'bulamu no'kuz-ingilamu embeera yo'bulamu entono ne'suubi.'

UN General Comment 21 ku mbeera za'baana ababeera kunguudo.

Eddembe elyo'kusoma

Abazadde...

* Balina okusasula ebisale bye'somero mubudde.

* Balina okuwa abaana ebyetaago nga ebikozesebwa mukusoma, engatto, ebitabo, ensawo ne bailo.

* Balina okulondoola biki abazadde abala byebali mukukola mu somero. Ekyokulabirako bwebaba batutte omwana kusomero, balina okubuuza abasomesa oba omwana atuuka kusomero bwebaba bamusindise.

* Abazadde balina okulondoola ensoma y'omwana.

* Bweluba nga lunaku lwakukyalila bana kusomero, abazadde balina okugenda ku esomero.

Omwana ...

* Ffe nga abaana tulina okukiriza okugenda kusomero okusoma.

* Tulina okuwuliriza abasomesa mukibiina bweba bogera tusobole okuyiita.

* Tulina okugenda kusomero buli lunaku.

* Tulina okubuuza abasomesa byetuba tetumanyi era baja kutuyamba okuyiga ebisingawo.

Katilido, 13

Eddembe elyo'kufuna obujanjabi

Eddembe lyanze elyo'kufuna obujanjabi... Abazadde batekwa okutwaala abaana okugemebwa. Abazadde batekwa okutwaala abaana muddwaliro bwebaba nga balwadde.

Ochen, 16



ABANTU BO'MUKITUNDU BALINA KUKOLAKI OKUTEEKA MUNKOLA EDDEMBE LYA'BAANA?

“Abantu bo'mukitundu tebalina kulwooza nti abaana ababeera kunguudo babbi” Wasswa, 17

Eddembe lya'baana kyekago oba kyetagisa buli mwana okubeera nalyo basobole okweyagala no'kuyimilizaawo obulamu bwabwe nga abaana.

Okusenziira ku Gavumenti ya Uganda, omwana ye muntu atannatuusa myaka 18 era lino lye'ddembe abantu bona lyebalina okuteeka munkola.

Eddembe elyo'kusoma, elyo'kufuna obujanjabi, emmere, awo'kusula, obukuumi, elinya, eddembe elyo'kukola ebyo'buwangwa ne eddembe eddala eri to'geddwa ko.

Ebyo nga bikyali awo, buli ddembe lilina obuvunanyizibwa omwana bwa'lina okukola okusobola okusikiliza omtuntu oyo ali mukumuwa eddembe.

Era obuvunanyizibwa ne'ddembe bitambulila wamu. No'lwekyo, eno ye engeri abantu bo'mukitundu gyebalina okuteeka munkola eddembe lya'baana.

Okuteegeza abaana eddembe lyabwe no'buvunanyizibwa bwabwe awaka ne mukitundu kyona okutwaliza awamu. Okukomenkereza nga abaana bamanyi eddembe lyabwe no'buvunanyizibwa bwabwe bilyoke biteekebwe munkola.


Okuyigiliza abo abatamanyi kisobozese abantu bo'mukitundu okutegeera omugaso gwo'kuteka munkola eddembe lya'baana.

Okuteeka awamu amanyi ga buli gwekikwatako mukitundu nga abazadde, banamateeka, banamadiini, na'balala.

Okuvaayo nengeri yo'kuteeka munkola amateeka agali mu mikono gya banamateeka eri abantu abao ababa batyobodde eddembe lya'baana mu lujudde.

Ebyo wagulu byona nga bikoledwa, okuteeka munkola nga okutwaala abaana kusomero, okufuna obujanjabi, okubawa awo'kusula, obukuumi, emmere, engoye, ne'bilala bija kuba nga bilabibwa mukitundu.

Blessing, 18



KKI KYENYINZA OKUKOLA OKUTEEKA EDDEMBE LYANGE MU NKOLA?

Eddembe elyo kufuna amazzi amayonjo

Okuyonja gyetujja amazzi.

Okuwuliliza obubaka obukwata kubyo'kukuuma amazzi nga mayonjo.

Okukuuma enzizi nga tetuzikyafuwaza no'kuzifuyisaamu.

Okusengejja amazzi nga tetunaganywa.

Okukuumira wala ebisolo ne gyetukyima amazzi.

Joseph, 15

Okweekuuma eri ebiragalalagala.

Obutasembera kumpi ne'bilagala bino, gyebi-tundibwa, gyebinweerwa, oba okutendewalirwa okubilegako.

Okwewala ebibinja.

Okukiriza okuweebwa amagezi awamu no'ku-gagobelera.

Okubeera okumpi na'bantu abatanzikiriza kun-wa bilagalalagal.

Ngobi, 16



Ebyo'bulamu

Okukkiriza okukeberegawa okuzuula oba tolina obulwadde bwonna.

Okukkiriza okumira amakerenda ago gennyini omusawo gaaba abagambye.

Okuwuliriza okubudaabudibwa abasawo ne ba naansi.

Okulya emmere efuumbiddwa obulungi na'mazzi amafumbe.

Okutegeeza abatusingako ku bulwadde bwonna bwetuba tuwulira mu mubiri.

Semboga, 15

“Eddembe elyo'kufuna obujanjabi obulungi kitegeeza nti abaana balamu bulungi okusobola okuzannya.”

OKUKOLAGANIRA AWAMU: GAVUMENTI NE POLIISI

Gavumenti:

Gavumenti awamu na' bantu abo' mukitundu balina okukolera awamu okukuuma eddembe lya' baana era mukino tutegeeza abaana ababeera kunguudo. No' lwekyo abatuuze balina okulekera awo okukozesa ebighambo nga "babbi" kubanga ssi buli mwana abeera kuluguudo nti mubbi.

Gavumeneti elina okukolera awamu ne Poliisi na' bantu bo' mukintundu okutwaliza awamu okufuna engeri eyo' kuyambamu abaana ababeera kunguudo era no' kunonyereza ebikwata ku bazadde baabwe – ensong elinti abaana abamu abasalawo busazi nebagenda kunguudo newankubadde balina eddembe.



Poliisi:

Poliisi elina okubudabuda abaana esobole okumanya ensona ezibaleeta kunguudo. Aba Poliisi balina kukuuma mateeka nabilagilo. Mukifo kyo' kusanga omwaana abeera kuluguudo ne- mumukwaata, omwana oyo mulina kumufuna mumuwe amagezi gakuva ku luguudo adde eka mukifo kyo' kumusiba.

Bwetudda eri Poliisi, bbo bagoberera amateeka naye nabo abaana abano babalumya. Abaana ababeera kunguudo nabo baantu. Kati abazadde balina okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwaabwe; okutwaala abaana ku somero, okubalabirila, okubaagala, okubayamba no' kubatwaala nga abantu abo' mukibikindu gyetubeera. Abaana ababeera kuluguudo nabo bantu nga abalala era bali nga gwe.

Karlmarx, 15 and Aguma, 18

OKUKOLAGANAIRA AWAMU: ABAZADDE NA'BANTU BO'MUKITUNDU

Abazadde:

Abazadde bale-keredde abaana baabwe kubanga babammye eddembe lyaabwe okugeza nga okusoma, awo'kusula, emmere, ne bilara.

Kino kileetera abaana okuva awaka okudda kunguudo kubanga tewali kwagala no'kulabilirwa.

Kale abazadde basse munkola eddembe lya'baana era bagwaanidde okubeera nga bebasokera ddala okussa mu nkola eddembe lya'baana kubanaga bebananyini baana era basobola okubagaana okuva ewaka.

Abantu

abo'mukitundu:

Abantu abo'omukitundu balina okulekera awo okoboola abaana ababeera kunguudo.

Osanga abantu nga bayita abaana ababeera kunguudo ababbi, abatemu, abalimba, no'kubayita abatalina kyebasobola. Kino kiwaliliza abaana bano okwe'kyaawa,

okukyaawa

abantu bona ababetolodde no'kugweesa essubi. No'lweekyo abantu abo'mukitundu basanidde okwaniriza abaana bano nga bwekibagwanidde.

Katongole, 18

“Eddembe elyo'kwagalwa, naddala okuva eri abakadde awamu na'bazadde.”
Junior, 14

“Nnina eddembe elyo'kukumibwa obutabeera mubutabanguko no'kulumizibwa nga nkola bino wammanga: Okugondera abantu abakulu byebagamba, obutatambula ekilo ne munzikiza, obutatambula bwoomu nzekka, okugobelera ebilagi. Okutambulira awamu na'bakulu, londa abantu abo'kutambula nabo abalungi.”

David, 12

“Nnina eddembe elyo'kubeera ne bazadde bange.”

Haruna, 14

OKUNONYA EBIGAMBO!

I A H S S T D R E W F T E L V
 C F R E E T T X K L C R I S P
 K E B E A F N V F O L O L U F
 J K R W K L P E M K O P Y Y Z
 N T B K G V T M R A V P I N K
 S E P B D L U H F A E U F X R
 T D Z S B N N C C Z P S M V U
 T U D R I G H T S A F W X S Q
 N C P T D G X V O A R A E Q E
 Y A Y N E R D L I H C E W E B
 H T G B K I F I Q W E T D N S
 L I B M O T R J D X B D I I V
 U O H Y A I Z N S E U H A O U
 Q N Q P O W N G V S N E M S N
 T W Q Z F B N Z K D U E D J X

“Mpulila esanyu ku-
 banga abazadde
 bange bateka
 munkola eddembe
 lyange”

Kantono, 13

ACTION
 CHILDREN
 COMMUNITY
 EDUCATION
 HEALTHCARE
 LOVE
 PARENTS
 RIGHTS
 STREET
 SUPPORT



WEBALE OKUSOMA AMAWULIRE KU G'OKUNGUUDO!



Tokola ne bamusayi muto bano abasufu buli lunaku era tusobola okubawa emikisa mingi **bwe mutuwagila**.

Bambi **twegateko** mukuwagila abaana okuva kunguudo z'omu Jinja n'okutukiliza obusobozi bwabwe.

Support and Love Via Education International (S.A.L.V.E.):
www.salveinternational.org

Jinja Connection: www.jinjaconnection.com

Amawulire gano
gakungaanyiz-
ibwa:



Nga bali wamu
ne:



Twagala okwebaza be tukola nabo bona olwa'manyi ne'nsimbi zebataddemu okulabanga okujaguza kwo'lunaku lwa'baana ababeera kuluguudo okwetolola ensi yona omwaka guno 2018 kuberawo mu Jinja, si balala be:

